**18th February 2018.**

# OKWAWULWA KWA BAKABONA.

**Okuva 29.**

Tweyongera amakya ga leero, mu nsomesa y'ekigambo kya Mukama mu kitabo ky'Okuva ekyawandiikibwa Musa, mu kitundu mwe yaweebwa ebiragiro Mukama Katonda, ku nteekateeka z'okumusinzangamu, ng'ali ku lusozi Sinayi.
Omulundi ogwaggwa twalaba bwe yalagirwa okkola ebyambalo by'Obwakabona, ekkanzu eyitibwa Efodi, Eky'omukifuba, n'ekkanzu endala awamu n'empale ez'omunda, mwe twaayigira nti mu Yesu Kristo tulina ekyambalo eky'ekitiibwa n'obulungi kubanga tuli ba Kabona ba Mukama, nga I Peetero 2:9,10 bwe zigamba……….era n'enyiriri eziddako ne ziwa okuluŋŋamizibwa kw'obuvunaanyizibwa bwaffe. [*Nsaba tuzisome mu biseera byaffe nga homework…..]*
Eggulo twabaddewo wano n'ekijjulo ky'abaweereza era tweebaza Mukama olwa bonna abazze, era nkimanyi ssi bonna abazze bamalirivu ddala okuweereza Mukama, ate ng'era nkimanyi nti eriyo abatazze naye nga nabo bamalirivu okuweereza Mukama olw'okutegeera okutereevu kwe balina eri ommuweerezanga n'obulamu bwaabwe, nga bwe guli nti "Bangi bayitwa naye batono abaawulwa", ekiri mu Matt. 20:16 mu nzivunnula ezimu.
Eddiini ezimu zirina abayitwa 'Abaawule', era ssinnategeera bulungi ekibayisa batyo, naye leero tulaba ebiragiro ebyaweebwa Musa okwawula Bakabona, n'ebiweebwaayo, awamu n'okutongozebwa kw'ekyoto ky'ebiweebwaayo ebyokebwa. Awamu n'okulagirwa kw'ekiweebwayo ky'abuli lunaku, kumakya n'akawungeezi.

Tusome nny.1-9………
Tulaba enfaananyirizo y'okuleetwa ku mulyango Yesu Kristo, ne tubatizibwa, era ne twambazibwa ebyambalo by'obutuukirivu n'obulokozi okusobola okuweereza Mukama Katonda waffe ng'abajulirwa be mu nsi eno, n'ebigambo awamu n'ebikolwa ebimugulumiza era eby'obwakabaka bwe, ne mu bulamu bwaffe obwa bulijjo.

Nny. 10-14……..
Tulaba ekisooka ku biweebwaayo ebisatu mu mikolo gy'okutongoza ba Kabona, nga bwe guli nti tewasobola kuba buweereza eri Mukama okujjako nga wabaddewo ssaddaaka…….kubaamu okweewaayo (sacrifice), nga Yesu bwe yagamba mu Matt. 16:24. Kino kye kyaali ekiweebwayo olw'ebibi.

Nny.15-18……
Kino kye kyaali ekiweebwayo ekyokye, ekikiikirira okweweerayo ddala eri Mukama (devotion - dedication).

Nny.19-30…….
Kino kye kyaali ekiweebwaayo ky'okwawulibwa, (sanctification).

Nny.31-37……
Ekiweebwaayo ky'emirembe, wakati wa Bakabona ne Mukama, ekikiikirira entabagana enneekusifu ebagwaanidde ne Mukama.
Emikolo gino gyaali gya kumala ennaku musanvu…
Yesu Kristo yagamba mu Yokaana 17:19 nti "Yeetukuza ku lwaffe, naffe tutukuzibwe mu mazima", ng'egeri yokka obuweereza bwaffe gye busaaniramu eri Mukama ommuweesa ekitiibwa.

Nny.38-43……
Ekiweebwaayo ekya buli lunaku, ekiraga obweetaavu bw'okwewonganga eri Mukama buli makya na kawungeezi. Ekikulu ennyo okkola kubanga n'okusuubiza Mukama asuubiza mu nny.44-46 nti……